
## Ojusimba ebisagazi

- Ssima ebinya mu nyiriri za'mabanga ga futi 3 (90 cm) na'mabanga ga futi 2 (60cm) okuva ku kinya ekimu okutuka ku kirala mu nyiriri zino.
- Mu buli kinya tekamu
  - Olubatu lw'obusa
  - Ebijimusa ebya DAP mu kipimo ky'akasanikira kamu ak'ekyuppa ya soda



EKINYA EKISIMBWA MU EKISAGAZI



TEKKA MU OBUSA



TEKKA MU EBIJIMUSA EBYA DAP

EBISIMBIBWA




EMMULI Z'EBISAGAZI




EMMULI Z'EBISAGAZI OKULI EMILANDIRA

- Nga osimba, teeka enyingo 2 ezekisagazi mu kinya nga okisulise nga bwekilagiddw era obikke n'ettaka oba
- Teeka enyingo z'ebisangazi okuli emilandira mu kinya obikke n'ettaka




TEEKA EMMULI MU KINYA



BIKKA N'ETTAKA

- Omusiri gukuume nga temuli muddo.




**Ebisangazi bitemebwa bitya era mu kisera ki?**

- Ebisagazi biteme nga biwezeza emyezi 2-3 oba obuwanvu bwa fuuti 3-4
- Tandika n'olunyiliri olw'ebweru oteme nga bw'oliisa ebisolo (ente oba embuzi) byo
- Olunyiliri olulinanye omusiri gwa kasooli lw'osembayo okutema nga olwo ebisaagzi ebiri mu nyiliri ez'ebweru bitandise okula.

**Kilungi ki ekiri mu kisimba ebisagazi okubyetolooza kasooli?**

Kasooli gw'okungula yeyongera obungi. Ofuna emere, amata, sente n'okukuma obutonde bw'ettaka lyo.

Bina by'ofuna:

- **Okungula kasooli mungi olw'obutatawanyizibwa ndiwulira**
- **Ebisolo byo bibera n'omuddo buli kisera**
- **Bw'oba tolina bisolo osobola okutunda omuddo gw'ebisagazi**
- **Ebisagazi bikendeeza ku mbuyaga ezi sula kasooli nga tanatuuka kungulwa**
- **Ettaka teligwamu nyo mazzi**
- **Ebisagazi bikwatta ettaka era biri kugira okutwalibwa amazzi**

**Produced by Mediae**
**mediae@africaonline.co.ke. Tel 4442660**

NATIONAL AGRICULTURAL RESEARCH ORGANISATION

icipe

# Simba kasooli ne'bisagazi Weyongere okukola sente



## Wekume ndiwulira ng'osimba ebisagazi okwetolola kasooli

National Agricultural Research Organisation (NARO), Uganda, International Centre of Insect Physiology and Ecology (ICIPE), Rothamsted-Research,
Supported by Gatsby Charitable Foundation, UK

## Ndiwulira ayonona nyo kasooli nga akula mu nimiro.

Kasooli aliridwa ndiwulira afanana nga oyo alagiddwa wansi awo

Alya ebikola



Ayingira mu nduli nalya mu ebyomunda




Wewandi kungudde ensawo 10 eza'kasooli okungula 7 olw' okulibwa ndiwulira.





## Ndiwulira ayingira atya mu kasooli

Tulina okumanya emitendera gyo bulamu bwa ndiwulira




## Ebisagazi bitega bitya ndiwulira?

- Ebiwojolo bya ndiwulira by'agala okubiika amagyi ku bisagazi okusinga ku kasooli.
- Ku biwojolo kumi wesanga nga 7 bibiise amagyi ku bisagazi nga 3 by'ebibiise amagyi ku kasooli.



- Ebisanyi bw'ebiyingira mu nduli ye'bisagazi. Ebisagazi bizala amasanda ga gamu agakwata ebisanyi era n'ebifa.




N'olwensonga eno, bw'oba osimbye ebisagazi osobola okutta ebisanyi bya ndiwulira bingi era nokungula kasooli mu bungi.

## Osimba otya ebisagazi nga otega ndiwulira?

- Simba ebisagazi eby'ekikka ekya P99 okwetolola omusiri gwa kasooli.
- Nga otandika okusimba, ebisagazi bisimbe nga ne nkuba tenaba kutandika bisobole okubeera ebikulu kasoli wanamerera. Amakola g'ebisagazi nga bikulu gajja kusikuriza ebiwojolo bya ndiwulira nga bize okubiika okusinga amakola ga kasoli nga mutto.
- Simba enyiriri z'ebisagazi ezita ka wansi w'esatu okwetolola omusiri gwa kasooli.

